**30th July 2017.**

# OKWEJJUKANYA MU KUWUMBAWUMBA EKITABO KYA DANYERI.

**(The Review of the Book of Daniel in Summary.)**

## Danyeri.

Amakya ga leero mu musomo ogunaasemberayo ddala mu kitabo kya Danyeri ekibadde omusingi gw'ensomesa zaffe z'oku lunaku lwa Mukama bukya mwaka gutandika mwe tufunidde emisomo 25, nayagadde tube n'okwejjukanya mu kuwumbawumba ekitabo ekibadde ekiyitirivu, olwo tukiveeko tudde ku kitabo ky'Okuva, eky'okubiri mu Baibuli, ekyawandiikibwa Musa.
Mu butuufu olw'obudde tetuube na ngeri ya bufunze bw'emiramwa gyonna gye tusomesebbwaamu, wabula nsaba Omwoyo wa Mukama atuwe kye nnayise 'enjokyerezo' (imprints) ezinaasigala mu ndowooza zaffe ne mu mitima gyaffe okuva mu kitabo kya Danyeri, ezinaaleetera obulamu bwaffe obutasigala ky'ekimu, mu ngeri nnyingi, nga bwe guli nti "ekigambo kya Katonda kiramu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula ne kyawula obulamu n'omwoyo, ennyingo n'obusomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mutima."(Baeb 4:12).

Twaakiraba nti musajja wa Mukama Katonda Danyeri ddala ye yawandiika ekitabo ekyatuumwa erinnya lye mu kyaasa kya 500 B.C. nga kiteeberezebwa nti yakimala mu 530 B.C. mu mulembe gwa Kuulo omumeedi. Wadde nga kyawakanyizibwa nnyo abattakkiriza, olw'eby'obunnabbi mu kkyo bye tulabye ebyatuukirizibwa obutereevu mu biro ebyedda, nga kw'otadde n'okuba nti kiwa ennaku mwe byalangirirwa okutuukirizibwa ate ne kiba nga bwe kyalangirirwa mu bunnabbi bwe.
Ebyawandiikibwa bya Danyeri eyaliwo mu biro by'ebimu ne bannabbi abalala nga Ezeekyeeri, Kaabakuuku, Yeremiya, ne Zeffaniya, byawandiikibwa Danyeri ng'ali mu buwaŋŋanguse e Babulooni gye yatwaalwa ne banne kwe twaabuulirwa banywanyi be bokka abeesowolayo okwaatiikirira olw'obumalirivu bwaabwe naye obuteeyonoonesa, era obutekkiriranya mu ngeri yonna etyoboola ekitiibwa kya

Mukama Katonda waabwe, Katonda wa Isirayiri, Kananiya, Misayeri, ne Azaliya. Abaatuumwa amannya Saddulaaki, Messaaki, ne Abedunego, abaali abavubuka abatiini mu myaka nga 15-17.

Omulamwa omukulu gw'ekitabo kino nga bwe twaalaba kwe kwaali okuzzaamu amaanyi abantu ba Mukama ab'emyaka egy'enjawulo abanyigirizibwa mu nsi, nga kiwa obukakafu nti Mukama Katonda afuga emirembe n'emirembe, era enteekateeka ze zibeerera emirembe gyonna, kubanga Ye mutegesi wa byonna era Ye w'obuyinza obw'enkomeredde mu bufuzi bwonna, kye tuzze tulaba kilukibwa mu miramwa gy'ekitabo kino entakera.
Ebyaaliwo mu biro bya Danyeri nga bwe twaalaba kwaali kutuukirizibwa kwa bunnabbi bwa Mukama, nga bwe byalangwa Isaaya, ne Yeremiya eddako, okuwa obukakafu bw'obwa Katonda bwa Mukama Katonda.

Enjokyerezo esooka gye tuli, kye ky'okulabirako ekikulu ennyo eky'obulamu bwa Danyeri nga kw'otadde ne banne abasatu, nti bwe baamalirira okutambulira mu butuukirivu okuviira ddala mu buvubuka bwaabwe baali bakalaativu mu kkyo (consistent), wadde nga tekyaali kyangu n'akamu, kyokka baasobola okwolesa obuwanguzi mu bizibu n'emitawaana mwe baayisibwa okugezesebwa, ekyaatulaga emiganyulo emiyitirivu egiri mu kuba abamalirivu obuteeyonoonesa oba obutekkiriranya, twaalaba nga bwe baalina okuganja okw'enjawulo, n'okunyirira mu ndabika, n'amagezi agaasukkirira nga kw'otadde n'okumanya kw'okutegeera ebirooto n'okwolesebwa, ebyaabaleetera okkuzibwa n'okuwangaala wadde baali mu buwaŋŋanguse. Ne Mukama yamusowolayo mu batuukirivu abasatu ab'olwatu mu byawandiikibwa…(Ezek.14:14), Era nga tumanyi nti yye ne Yusufu mu kitabo ky'Olubereberye be basajja abatoogerwaako nsobi yonna ku bulamu bwaabwe mu byawandiikibwa byonna. Ate nga beefaananyiriza embeera mwe baali.
Ekituwa okusoomozebwa okw'ennaku zonna, nti ffe ng'abayise oba abatambuze mu nsi muno, efugibwa amaanyi agakontana n'ag'obwakabaka bwaffe obw'omuggulu, twesowoddeyo okuba abamalirivu obuteyonoonesa, tusobole okuba abawanguzi era abajulirwa abatuufu b'oyo eyatuyita okubeera ddala ababe?
Abakolosaayi 3 egamba nti…..[ *Kangisome kuba batono ku ffe abaddayo ne tusoma bye tulagirwa okusoma mu misomo gyaffe!*]

Enjokyerezo ey'okubiri eyalina essira mu kitabo kwe kwaali okusaba okuwanguzi. Kye twaalaba ku Danyeri ne banne, ate ekyalina omusingi kw'ekyo kye tusoosezza waggulu mwe twayigira nti ffena okuba n'okusaba okuwanguzi kitweetaagisa okuba abamalirivu okutambulira mu butuukirivu obusibuka ku mitima gyaffe egitaliimu bukuusa, bukaawu, bukyaayi, malala, na byonna ebitaaganye ssaala zaffe kuweesa Mukama kitiibwa ekimugwaanidde. Kubanga by'ebireetera essaala zaffe obutajjuzibwa kukkiriza kuzigwaanidde kuba na maanyi.
Kwe kukkiriza okutubuulirwa mu Baebb. 11:33 nti "olw'okukkiriza abo be baawangula bakabaka, ne bakola eby'obutuukirivu, be bafuna ebyasuubizibwa, ne babuniza obumwa bw'empologoma".
Kwajjira mu kusaba okutuufu okwasinziiriranga mu kigambo kya Mukama, okunyiikirivu, era okumalirivu, okwelekereza era okwanyweezebwa n'okwatulira Mukama byonna, nga kwefaanaanyiriza mu bumu n'abantu ba Mukama, era nga kusinziirira ku mbala za Mukama Katonda waffe n'okuluubirira ekitiibwa kye.
Ne kituwa okusoomoozebwa okulala, nti oba awatali kukkiriza tetuusobole kusanyusa Mukama, ngeri kki gye tunaaba n'okukkiriza nga tetuli basabi nga Danyeri bwe yali….. tujjukire nti yayanjulwanga ng'omwagalwa wa Mukama… Tuba ne prayer service buli lwakuna, ne tuba ne prayer themes buli mwezi, naye bameka ababifaako, tutuukirize okwagala kwa Mukama mu bulamu bwaffe n'obw'abagalwa baffe awamu ne ku nsi kuno?

N'ekinaasembayo ge makulu g'okuweebwa obunnabbi n'okwolesebwa. Nti nga bwe kiri nti Danyeri kyaali kijjudde obunnabbi obungi ate obusinga nga bwaatuukirira ddala mu butereevu bwaabwo ku lunaku, ng'obw'okujja bwa Masiya. Ate n'obungi nga bwe twaalaba nti nga bwe yabisengekanga bwe byaatuukirira awatali kulekayo kyonna mu byafaayo.
Okusooka tulina okuba abakakafu nti ebirala byonna ebittannatuukirira nabyo birina okutuukirira mu butereevu bwabyo awatali kulekayo nsengeka y'abyo.
N'ekirala nti tulina okwawula bannabbi ab'obulimba mu bwangu nti bye balanga tebituukirira, n'olwe'kyo by'abulimba nga kw'otwalidde obuweereza bwaabwe bwonna. Ate nga buno bubaamu okwelaga, obukuusa, omululu, obubbi, na buli mpitambi za Sitaani, kitaawe w'abalimba bonna.
N'ekirala nti obunnabbi tebutuweebwa tusse kitiibwa mu bannabbi, tubagulumize, wabula tumanye Mukama n'engeri Ze, tumukkiririzeemu nga tujjudde essuubi olw'obuyinza bwe obw'enkomeredde ku butonde bwonna emirembe gyonna.

Ekinaatuleetera okomekkereza okusoma kwaffe leero n'ebigambo bya bakabaka abo abaawa obujulizi n'emimwa gyaabwe ku Mukama, okusooka n'oyo eyasinga okwaatiikirira mu kitabo kino Kabaka Nebukadduneeza [oba mubadde mulowooza ssimwogereko!]- Yayitwa kabaka wa bakabaka, Katonda ow'eggulu gwe yawa obwakabaka, n'obuyinza, n'amaanyi, n'ekitiibwa;(2:37,38)….omutwe ogwa zaabu era empologoma. Yagamba mu ssuula 4:34,35,37…..
N'omulala eyali Kabaka Daliyo mu ssuula 6:25-27, nti…….

Mu kweebaza nsaba tweebaze ne Danyeri mu ssuula 2:20…. Nti Erinnya lyo Ayi Mukama Katonda litenderezebwaenga emirembe n'emirembe, kubanga amagezi n'obuyinza bibyo. Otegeera ebiseera n'ebiro; ossaawo bakabaka era oggyawo bakabaka; owa amagezi abagezigezi era n'okumanyisa abo abategeevu. Obikkula ebyama ebyakisibwa edda; era omanyi ebifa mu nzikiza, n'ekitangaala kibeera naawe. Tukweebaza era tukutendereza Ayi Katonda wa bajjajjaffe ol'wottuyigiriza mu kitabo kya Danyeri, era tusaba otutukuze n'ekigambo kyo, otutuukirize okwaakayakana ng'emmunyeenye emirembe n'emirembe, mu Linnya lya Yesu Kristo….Amiina.